| Essomo 5 | الدرس الخامس |
|---|---|

2. Enkomelero tegenda kuberawo okujjako eri abantu abasinga okubeera ababi abonoonefu, kuba Allah agenda kusooka asindike empewo ennungi esoke ejjemu emyoyo gyabakkiriza.
Bwatyo Allah bw'alyagala okusanyawo ebitonde byonna nokufa era ebeere enkomelero y'ensi, agenda kulagira malayika efuuwe eŋŋombe nga nayo (jjembe ddene) era bwebaligiwulila abantu bagenda kuzirila bonna. Nga Allah bw'aganba mu Suratu zumar 68

Agamba Allah nti: ***"Era egenda kufuyibwamu eŋŋombe bizikirire byonna ebiri muggulu omusanvu nensi okujjako ebyo Allah by'aliba ayagadde".***
Ekyonno kigenda kubeerawo lunaku (lwa Juma) lwakutano oluvanyuma lw'ekyo neba malayika bonna baffe tewali alisigala kunsi okujjako Allah eyakula nagulumila.
3. Buli mubili gwamuntu gujja kuvunda gugweewo era ettaka lugulye okujjako akagumba akayitibwa (Ajibu-zanib) akagumba kano kabeera wansi womugongo, wabula gyo emibili gyaba nabbi neba (Shuhadau) abaafiila muntalo z'eddiini abo bo ettaka telilya mibili gyabwe. B'watyo oluvanyuma Allah agenda kutonyesa enkuba okuva muggulu emeze emibili era gigenda kwepanga buto.
Bwatyo bwalyagala ate okuzuukiza abantu agenda kusooka kulamusa malayika afuuwa eŋŋombe Isilafiil olwonno afuuwe eŋŋombe olufuuwa olwokubili olwo abantu balamuke batandike okufuluma muntaana zabwe nga Allah bweyabatonda omulundi ogwasooka nga bali mubigele byelele era nga tebambadde era nga sibakomole, Nga bwagamba Allah mu surat yasini aya 51.

Agamba Allah nti era egenda kufuuyibwamu eŋŋombe oligenda okulaba nga abantu bava muntana zabwe nga eli omulezi waabwe gyebeyunila.
Era agamba mu suratu Ma-ariji aya 43.

Agamba Allah nti ***"Bagenda kufuluma okuva muntaana nga bali mubwangu nga balinga gyoli nti beyunila ekiwakanirwa mwebyo byebaasinzanga munsi, nga amaaso gabwe gayingiddemu obugonvu nga gajjudde obunyomoofu olwono lwelunaku bulijjo lwemubadde mulaganyisibwa".***
Era nga n'agenda okusooka okuzuukizibwa ye wenkomelelo muba nabbi nemubabaka Muhammadi (SAW) era nga bwekyajja okuva kuye (SAW) oluvanyuma atwale abantu munsi mukitundu ekyokubalibwamu abantu nakyo kitundu kigazi ddala.
Era bagenda kuzuukizibwa abakaafiiri nga batambulira kubyenyi byabwe. Yabuuzibwa omubaka (SAW) ngeliki gye bagenda okutambulila abantu kubyenyi byabwe? N'abagamba nti abaffe tali oyo abatambuza kuno kunsi nga abatambuliza kumagulu gabwe era asobola okubatambuliza kubyenyi byabwe olunaku lwenkomelero!
Songa era nooyo eyesamba eddini ya Allah agenda kuzuukizibwa nga talaba (muzibe). Enjuba kw'olwo egenda kuba kumpi nnyo kumitwe gyebitonde, era bwatyo omuntu agenda kutuuyana entuuyoze zimutuuke wezimutuuka buli omu okusinziila kubibiibye byeyakola mubantu mwemuli alibeela nga zimutuuse ku bibegabega mubo mwemuli bezilituuka muntumbwe newalala.
Songa kulunaku olwo tewalibaawo kisiikilize kyonna okujjako ekisiikilize kya Allah nga bwagamba omubaka (SAW) mu hadith eyawandiikwa Imaam Bukhar nemusilimu egamba nti:

Agamba nabbi (SAW) nti: ***"Abantu musanvu, Allah agenda kubateeka mu kisikirizekye olunaku lwewatalibawo kisiikilize okujjako ekisiikilizekye; omukulembeze omwenkanya, omuvubuka eyakulira ku kusinza Katonda, omusajja nga omutimagwe muwanike mumizikiti, n'abasajja babili baayagalana kulwa Allah begatta kululwe era nebawakana kululwe, nomusajja eyayitibwa omukyala nanyini kitiibwa n'obulungi (amusobyeko) naddamu nti nze ntya Allah, n'omusajja eyasaddaaka nakweka saddaakaye okutuusa kono lwatamanya dyo kyawaddeyo, nomusajja eyajjukila Allah nga yeyawudde ali yekka nafukumuka amaziga mumaasoge".***
Songa bino tebyeyawulidde kumusajja yekka naye nomukyala bimutwalilamu kuba nomukyala naye abalibwa okusinziila kumilimo gye bwegiba milungi afuna obulungi bwegiba mibi nafuna obubi nolwekyo naye afuna kyafuna omusajja mupera nokubalibwa.